

Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri **Abaruumi**

¹ Nze Pawulo, omuddu* wa Yesu Kristo, Mukama waffe Kristo, nayitibwa okuba omutume, eyayawulibwa okubuulira Enjiri ya Katonda, ² gye yasuubiriza mu bannabbi be mu byawandiikibwa ebitukuvu, ³ ebyogera ku Mwana we, eyava mu zadde lya Dawudi mu mubiri, ⁴ eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. ⁵ Mu Yesu Kristo Mukama waffe, mwe twaweerwa ekisa, ne mpitibwa okuba omutume, amawanga gonna galyoke gamugondere mu kukkiriza ku lw'erinnya lye. ⁶ Nammwe muli mu abo abaayitibwa okuba abayigirizwa ba Yesu Kristo.

⁷ Mpandikira abo bona ababeera mu Rumi, abaagalwa ba Katonda, abaayitibwa okuba abatukuvu.†

Ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Yesu Kristo Mukama waffe, bibeerenga nammwe.

* **1:1** Omukkiriza eyeteeka mu kifo ky'omuddu eri Kristo talina bwetwaze wadde eddembe eriryе ku bubwe. Akola ebyo byokka mukama we by'alagira. † **1:7** abatukuvu kitegeeza omuntu ayawuliddwa.

Pawulo Ayagala Okukyala mu Ruumi

⁸ Okusooka neebaza nnyo Katonda wange ku lwammwe mwenna, ku bwa Yesu Kristo, olw'okukkiriza kwammwe okunywevu okwogerwako mu nsi yonna. ⁹ Katonda gwe mpeereza n'omutima gwange gwonna nga mbulira Enjiri ey'Omwana we, ye mujulirwa wange, nga bwe mbasabira bulijo, ¹⁰ nga mbegayiririra bulijo mu kusaba kwange, ndyoke nsobole okubatuukako nga Katonda bw'anaayagala.

¹¹ Kubanga neesunga nnyo okubalaba, ndyoke mbawe ku kirabo eky'omwoyo, mulyoke munywezebwe okutuuka ku nkomerero, ¹² kwe kugamba: twezengamu amaanyi ffekka ne ffekka olw'okukkiriza kwe tulina. ¹³ Wabula njagala mumanye kino, abooluganda nti, Emirundi mingi nateekateeka okujja gye muli naye ne nziyizibwa okutuusa kaakano, ndyoke nkungule ebibala mu mmwe, nga bwe kiri mu mawanga amalala.

¹⁴ Kubanga nnina ebbanja eri Abayonaani n'abatali Bayonaani, n'eri ab'amagezi n'eri abasirusiru, ¹⁵ era nammwe ab'e Ruumi kyenva njagala okubabuulira Enjiri.

¹⁶ Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Omunnamawanga.

¹⁷ Kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa. Obutuukirivu obwo butuweebwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza kwokka, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Abatuukirivu banaabeeranga balamu lwa kukkiriza."

Obusungu bwa Katonda eri Abantu

¹⁸ Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibbwा okuva mu ggulu ku abo abatatyā Katonda bonna n'abakaafiri bonna ku bye bakola okuziyiza amazima okuvaayo. ¹⁹ Kubanga ebisoboka okumanyibwa ku Katonda bibabikkuliddwa, kubanga Katonda abibalaze byonna mu bujjuvu. ²⁰ Kubanga okuviiira ddala ku kutondebwā kw'ensi, ebintu bye ebitalabika, bwe buyinza bwe obutaggwaawo n'obwa Katonda bwe, bitegeerwa ne birabikira ddala mu by'obutonde bwe, abantu balyoke baleme kubaako na kya kwewolereza.

²¹ Kubanga newaakubadde nga Katonda bamumanyi, tebaamugulumiza nga Katonda wadde okumwebazanga, naye ne bagobereranga ebitaliimu mu mpaka zaabwe, omutima gwabwe omusirusiru ne gujuzibwa ekizikiza. ²² Beeyita ab'amagezi ne bafuuka abasirusiru, ²³ ne bawanyissa ekitiibwa kya Katonda ataggwaawo okukifaananyiriza ekifaananyi ky'omuntu agwawaawo, n'eky'ebinyonyi, n'eky'ebirina amagulu ana n'eky'ebiyewalula.

²⁴ Katonda kyeyava abaleka, emitima gyabwe ne girulunkanira eby'obugwagwa ne bawemula emibiri gyabwe bokka na bokka. ²⁵ Ne bafula amazima ga Katonda okuba obulimba ne basinza era ne baweereza ebitonde, mu kifo ky'okusinza eyabitonda, eyeebazibwa emirembe n'emirembe. Amiina.

²⁶ Katonda kyeyava abaleka ne beeyongera mu kwegomba kwabwe okw'obuwemu. Abakazi baabwe baawanyisa enkolagana

yaabwe ey'obuzaaliranwa n'abasajja, ne bakola ebitali bya buzaaliranwa. ²⁷ Abasajja nabo baalekayo okwegatta ne bakazi baabwe mu ngeri ey'obuzaaliranwa, ne bajjuzibwa obukaba ne beegatta ne basajja bannaabwe. N'ekyava mu bikolwa ebyo eby'obugwagwa, kwe kusasulibwa empeera esaanira okwonoona kwabwe.

²⁸ Bwe baagaana okumanya Katonda, Katonda kyeyava abaleka ne babeera n'omutima omwonoonefu ne bakola ebitasaana. ²⁹ Bajjuzibbwaa obutali butuukirivu bwonna, n'ebibi, n'omululu, n'obukyayi, n'obuggya, n'obussi, n'entalo, n'obulimba, n'enkwe, n'okwogera ebitasaana, nga basala ku bannaabwe ebigambo, ³⁰ era nga bageya, nga bakyawa Katonda, nga bavuma bannaabwe, nga bajjudde amalala n'okwekulumbaza, nga bagunjawo enkola y'ebikyamu, era nga bajeemera bakadde baabwe. ³¹ Tebategeera so tebalina kukkiriza, tebalina kwagala, era tebalina mutima gusaasira. ³² Newaakubadde nga bamanyi nga Katonda yagamba ntiabantu abakola ebintu ng'ebyo balizikirizibwa, tebakoma ku kubikola kyokka, naye basiima n'abo ababikola.

2

Omusango Katonda Aligusala na Bwenkanya

¹ Gwe anenya omuntu omulala, okola ebibi bye bimu ne by'onenyenza omuntu oyo. Kyonoova olema okubeera n'eky'okuwoza, kubanga bw'okola bw'otyo, weesalira wekka omusango. ² Naye kaakano, tumanyi nga Katonda mutuufu

okunenya abo abakola ebiri ng'ebyo. ³ Naye ggwe omuntu obuntu, akola ebiri ng'ebyo, kyokka n'onenya abantu abalala, olowooza nga Katonda alikuleka? ⁴ Oba onyooma ekisa kya Katonda ekingi, n'okugumiikiriza kwe n'obukwatampola bwe? Tomanyi ng'ekisa kya Katonda kikuleeta mu kwenenya?

⁵ Naye olw'obukakanyavu bwo n'omutima oguteenenya, weeterekera ekiruyi ku lunaku lw'ekiruyi n'okubikkulirwa, Katonda lw'alisalirako omusango ogw'obutuukirivu. ⁶ Katonda aliwa buli omu empeera esaanira ebikolwa bye. ⁷ Aliwa obulamu obutaggwaawo abo abaakola obulungi, nga balina essuubi ery'okuweebwa ekitiibwa, ettendo n'obulamu obw'emirembe n'emirembe. ⁸ Naye abo abeenoonyeza ebyabwe, abajeemera amazima nga bagondera obutali butuukirivu, kiriba kiruyi na busungu. ⁹ Walibaawo ennaku n'okubonaabona ku buli mmeeme y'omuntu akola ebibi, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga. ¹⁰ Naye ekitiibwa n'ettendo n'emirembe biriba ku buli akola ebituufu, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga. ¹¹ Kubanga Katonda tasosola mu bantu.

¹² Abo bona abaayonoona olw'obutamanya mateeka, balizikirira; era n'abo bona abaamanya amateeka ne boonoona, bwe batyo bwe balisalirwa omusango, okusinziira mu Mateeka. ¹³ Kuba abawulira obuwulizi amateeka, si be bejjeerera eri Katonda, wabula abo abakola bye galagira, be baliweebwa

obutuukirivu. ¹⁴ Abaamawanga abatalina mateeka bwe bakolera mu buzaaliranwa ebintu eby'Amateeka, ebintu ebyo byennyini bifuuka amateeka gye bali, newaakubadde ng'Amateeka tegaabaweebwa. ¹⁵ Ekyo kiraga ng'Amateeka gawandiikibbwa mu mitima gyabwe, era kikakasa munda mu birowoozo byabwe, ng'emitima gyabwe giribasaliriza omusango oba okubejeeresa okusinziira ku ekyo kye bamanyi. ¹⁶ Kino kiribaawo ku lunaku Katonda kw'aliramulira abantu olw'ebyo bye baakisa, ng'enjiri yange bw'eri ku bwa Yesu Kristo.

Abayudaaya n'Amateeka

¹⁷ Abamu ku mmwe mweyita Bayudaaya. Mwesiga amateeka ne mwewaana nga bwe mumanyi Katonda. ¹⁸ Bwe musoma ebyawandiikibwa muyiga engeri Katonda gy'ayagala mweyise ne muzuula ekituufu. ¹⁹ Mukakasa nga bwe muli abakulembeze b'abazibe b'amaaso, era ettabaaza eri abo bona abali mu kizikiza. ²⁰ Naye olwokubanga, amateeka ga Katonda gatuwa amagezi n'amazima, mulowooza muyinza okuyigiriza abatali bagezi n'abaana abato. ²¹ Kale ggwe ayigiriza abalala, lwaki toyinza kweyigiriza wekka? Ategeeza abalala obutabba, tobba? ²² Ategeeza obutayenda, toyenda? Akyawa ebifaananyi, si ggwe onyaga eby'omu masabo? ²³ Mwenyumiririza mu mateeka, naye ne muswaza Katonda olw'obutagatuukiriza. ²⁴ Ekyawandiikibwa kigamba nti, "Olw'ebikolwa

byammwe ebyo, erinnya lyा Katonda kyelivudde livvoolebwa mu mawanga.”

²⁵ Okukomolebwa kugasiza ddala bw'okwata amateeka, naye bw'otagatuukiriza tewaba njawulo wakati wo n'atali mukomole. ²⁶ Kale obanga atali mukomole akwata amateeka, talibalibwa ng'eyakomolebwa? ²⁷ Noolwekyo ataakomolebwa mu buzaaliranwa naye ng'akuuma amateeka, alikusaliza omusango gwe alina amateeka amawandiike n'otagatuukiriza ate nga wakomolebwa.

²⁸ Okweyisa ng'Omuyudaaya ate nga wakomolebwa, tekikufuula Muyudaaya yennyini.

²⁹ Okuba Omuyudaaya yennyini oteekwa okugondera amateeka. Okukomolebwa okutuufu kwe kukomolebwa okubaawo mu mutima, so si okw'omubiri. Omuntu ng'oyo atenderezebwa Katonda, so si abantu.

3

Obwesigwa bwa Katonda

¹ Kaakano olwo Omuyudaaya alina nkizo ki? Oba okukomolebwa kugasa ki? ² Kugasa nnyo mu ngeri nnyingi. Okusookera ddala, Abayudaaya be baateresebwa ebigambo bya Katonda.

³ Kituufu nti abamu ku bo tebakkiriza bigambo ebyo. Obutakkiriza bwabwe buliggyawo obwesigwa bwa Katonda, olw'okuba nga bo tebaalina kukkiriza? ⁴ Tekisoboka. Katonda ye wa mazima, newaakubadde nga buli muntu yenna mulimba. Ebyawandiikibwa bigamba nti, “Olyoke otuukirire mu bigambo byo,

era osinge bw'osala omusango."

⁵ Naye obanga obutali butuukirivu bwaffe bulagira ddala obutuukirivu bwa Katonda, tu-naayogera ki? Kikyamu Katonda okutunyiigira era n'atubonereza? Mu kino njogera ng'omuntu.
⁶ Nedda, sikikyamu. Katonda alisalira atya ensi omusango? ⁷ Naye obanga obulimba bwammwe bweyongera okugulumiza Katonda, nga kiraga Katonda bw'ali ow'amazima, oyinza okwebuuza lwaki okyasalirwa omusango ng'omwonoonyi? ⁸ Era okyayinza okwongerako na kino nti tukolenga ebibi mulyoke muveemu ebirungi, ng'abamu bwe batuwaayiriza nti, bwe tugamba. Kyokka Katonda mwenkanya, era alibasalira nga bwe kibagwanira.

Tewali Mutuukirivu n'Om

⁹ Bino byonna bitegeeza ki? Kitegeeza nti ffe Abayudaaya tuli bulungi nnyo okusinga abantu abalala bona? Nedda, n'akatono. Ffenna tufugibwa kibi, ne bwe baba Abayudaaya oba Abaamawanga. ¹⁰ Ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba nti:

"Tewali mutuukirivu n'omu.

¹¹ Tewali ateggeera
wadde anoonya Katonda.

¹² Bonna baakyama,
bonna awamu baafuuka kitagasa;
tewali n'omu akola obulungi,
tewali n'omu."

¹³ "Emimiro gyabwe giringa entaana
ezaasaamiridde,
n'emimwa gyabwe gjijudde obulimba."

"Buli kigambo ekibavaamu kiri ng'obusagwa bw'omusota."

¹⁴ "Emimwa gyabwe gjijudde okukolima n'obukyayi."

¹⁵ "Ebigere byabwe byanguwa okuyiwa omusaayi,

¹⁶ buli gye balaga baleka abantu baayo mu kuzikirira na mu nnaku njereere.

¹⁷ Tebamanyi kkubo lya mirembe."

¹⁸ "N'okutya tebatya Katonda."

¹⁹ Tumanyi nga buli kyawandiikibwa mu mateeka, kyawandiikibwa ku lw'abo abafugibwa amateeka. Amateeka malambulukufu ku nsonga ezo, omuntu yenna aleme okwekwasa ensonga yonna, ate era ne Katonda okwongera okulaga ng'ensi yonna bwe yasobya. ²⁰ Kubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda olw'ebikolwa by'amateeka. Mu mateeka mwe tutegeerera ddala ekibi.

Obutuukirivu Buva mu Kukkiriza

²¹ Kale kaakano tutegeere ng'obutuukirivu bwa Katonda tebutuweebwa lwa kugondera Mateeka. Ekyo kikakasibwa Amateeka ne bannabbi. ²² Obutuukirivu bwa Katonda butuweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo. Katonda tasosola. ²³ Ffenna twayonoona era tetusaanira kitibwa kya Katonda. ²⁴ Kyokka twaweebwa obutuukirivu bwa buwa olw'ekisa kye ekiri mu kununulibwa okuli mu Yesu Kristo; ²⁵ Katonda yaweereza Kristo okuba omutango, bwe tukkiriza Kristo olw'omusaayi gwe yayiwa. Alaga obutuukirivu bwe mu kugumiikiriza ebibi ebyakolebwa edda, be bantu abaayonoona mu

biseera biri eby'edda. ²⁶ Kino kiraga Katonda bw'alaga okwaniriza kw'alina eri abantu mu biro bino, bwe baba n'okukkiriza mu Yesu.

²⁷ Kale lwaki twenyumiriza? Tewali nsonga etwenyumirizisa. Lwa kuba nga twagoberera amateeka? Nedda, lwa kukkiriza. ²⁸ Noolwekyo omuntu aweebwa obutuukirivu lwa kukkiriza so si lwa kugoberera mateeka. ²⁹ Oba Katonda wa Bayudaaya bokka? Si ye Katonda w'amawanga amalala gonna? Weewaawo nabo Katonda waabwe. ³⁰ Kubanga ye Katonda omu awa obutuukirivu abaakomolebwa, n'abo abataakomolebwa olw'okukkiriza kwabwe. ³¹ Kale amateeka tugaggyewo olw'okukkiriza? Kikafuuwe. Tunyweza manyweze.

4

Ibulayimu Yaweebwa Obutuukirivu lwa Kukkiriza

¹ Kale kiki kye tunaayogera ku jjajjaffe Ibulayimu ku bikwata ku by'omubiri? ² Singa Ibulayimu yaweebwa obutuukirivu lwa bikolwa, yandyenyumirizza, naye si eri Katonda. ³ Ebyawandiikibwa bitugamba bitya? Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okuba obutuukirivu.

⁴ Omuntu bw'akola omulimu, asasulwa empeera ye. Empeera gy'aweebwa, teba kirabo. ⁵ Katonda tayinza kukusembeza olw'ebikolwa byo. Katonda asembeza aboonoonyi olw'okukkiriza kwe balina mu ye. ⁶ Kabaka Dawudi naye yayogera kye kimu

ku muntu ono Katonda gw'awa obutuukirivu
obutavudde mu bikolwa bye ng'agamba nti:

⁷ “Baweereddwa omukisa,
abasoniyiddwa ebyonoono byabwe,
ne baggyibwako ebibi byabwe.

⁸ Aweereddwa omukisa omuntu,
Mukama gw'atalibalira kibi.”

⁹ Kale omukisa guno, gw'abakomole bokka
oba n'abatali bakomole? Ebyawandiikibwa
bitugamba nti okukkiriza kwa Ibulayimu kwa-
mubalirwa okuba obutuukirivu. ¹⁰ Kale, kwa-
mubalirwa kutya? Ng'akomolebbwa oba nga
tannakomolebwa? Nedda si ng'akomolebbwa
naye nga tannakomolebwa. ¹¹ Akabonero ke
yafuna ak'okukomolebwa, ye nvumbo ku bu-
tuukirivu olw'okukkiriza kwe, nga tannako-
molebwa, alyoke abeere jjajja w'abo bonna
abakkiriza nga si bakomole, nabo balyoke ba-
balirwe obutuukirivu. ¹² Ate era ye jjajja
w'abantu bonna, abakomole, era abatambulira
mu kkubo ery'okukkiriza, jjajjaffe Ibulayimu
kwe yalina nga tannakomolebwa.

¹³ Ibulayimu n'ezzadde lye tebaaweebwa
kisuubizo eky'okulya ensi yonna, ng'omugabo
gwe, lwa kukwata mateeka. Katonda,
ensi yagimusuubiza lwa butuukirivu
obwamuweebwa olw'okukkiriza. ¹⁴ Kale obanga
baweebwa obusika lw'amateeka, okukkiriza
kuba tekugasa, era nga n'ekisuubizo tekirina
makulu. ¹⁵ Katonda anyiiga Amateeka ge bwe
gatagonderwa. Naye bwe wataba mateeka,
tewaba mateeka ga kujeemera.

¹⁶ Noolwekyo ekisuubizo kijja lwa kukkiriza, kiryoke kiweebwe lwa kisa, eri ezzadde lyonna, so si ezzadde erigondera amateeka lyokka naye n'eri ezzadde erya Ibulayimu olw'okukkiriza; era oyo ye jjajjaffe ffenna. ¹⁷ Kyawandiikibwa nti, "Nkufudde jjajja w'amawanga amangi." Ye jjajjaffe mu maaso g'oyo gwe yakkiriza, Katonda azuukiza abafu, era alaba ebitaliwo ng'ebiriwo, era atonda ebintu ebiggya.

¹⁸ Katonda yasuubiza Ibulayimu abazzukulu bangi. Ne bwe kyalabika ng'ekitasoboka, Ibulayimu yalina okukkiriza mu Katonda, n'oluvannyuma n'abeera jjajja w'amawanga mangi, okusinziira ku ekyo ekyayogerwa nti, "Ezadde lyo bwe liriba." ¹⁹ Teyatendewererwa mu kukkiriza, newaakubadde nga yali wa myaka nga kikumi, nga n'omubiri gwe munafu nnyo, ate nga ne Saala mugumba. ²⁰ Teyabuuusabuusa kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza, naye yaweebwa amaanyi lwa kukkiriza; n'agulumiza Katonda. ²¹ Yakakasiza ddala nti Katonda kye yasuubiza asobola okukituukiriza, ²² era bwe kityo ne kimubalirwa okuba obutuukirivu. ²³ Naye tekyawandiikibwa ku lulwe yekka nti, "Kyamubalirwa okuba obutuukirivu;" ²⁴ naye era naffe, abakkiririza mu oyo eyazuukiza Yesu Mukama waffe mu bafu. ²⁵ Kristo yaweebwayo okuttibwa olw'ebibi byaffe, n'azuukizibwa tulyoke tuweebwe obutuukirivu.

5

Emirembe n'Essanyu

¹ Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo, ² era olw'okukkiriza mu Kristo tufunye ekisa kya Katonda mwe tubeera, era mwe twenyumiririza, nga tusubira ekitiibwa kya Katonda. ³ Tetukoma ku ekyo kyokka, naye twenyumiririza ne mu kubonaabona, nga tumanyi ng'okubonaabona kutuyigiriza okugumiikiriza. ⁴ Era okugumiikiriza kututuusa ku mbala ennungi, n'embala ennungi ne zitutuusa ku ssuubi. ⁵ Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajuza emitima gyaffe okwagala kwe.

⁶ Bwe twali tukyali banafu wakati mu bibi, Kristo yatufirira ffe aboonoonyi. ⁷ Kizibu okufirira omuntu omutuukirivu. Oboolyawo omuntu ayinza okwewaayo okufa ku lw'omuntu omulungi. ⁸ Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gye tuli mu ngeri eno: bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufirira.

⁹ Kale obanga twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, alitulokola okuva mu busungu bwa Katonda. ¹⁰ Kale obanga bwe twali tukyali balabe ba Katonda twatabaganyizibwa naye mu kufa kw'Omwnana we, bwe tutabagana naye tetulisingawo nnyo okulokolebwa olw'obulamu bwe? ¹¹ So si ekyo kyokka, twenyumiririza mu Katonda, kubanga Katonda yaweereza Mukama waffe Yesu Kristo, mwe twatabaganyizibwa.

Okufa mu Adamu n'Obulamu mu Kristo

¹² Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mu ngeri y'emu olw'okuba nga bonna baayonoona, bonna balifa. ¹³ Ekibi kyaliwo mu nsi ng'amateeka tegannabaawo. Kyokka Katonda teyagamba nti be balina okuvunaanyizibwa olw'ebibi byabwe, kubanga Amateeka gaali tegannabeerawo. ¹⁴ Kyokka okufa kwali kukyafuga okuva ku Adamu okutuusa ku Musa, nga kutwaliramu n'abo abataayonoona mu ngeri Adamu gye yayoonoonamu. Mu ngeri endala, Adamu ali mu kifaananyi kya Kristo eyajja oluvannyuma. ¹⁵ Naye Katonda wa kisa nnyo, kubanga ekirabo kye yali agenda okutuwa, kyali kya njawulo ku kibi kya Adamu. Okwonoona kw'omuntu omu, Adamu, kwaleetera bangi okufa, kyokka ekisa kya Katonda n'ekirabo ekiri mu kisa ky'omuntu omu Yesu Kristo kyasukkirira nnyo ne kibuna mu bantu bangi. ¹⁶ Waliwo enjawulo nnene wakati w'ekibi kya Adamu n'ekirabo kya Katonda. Ekibi ekimu kyatuweesa ekibonerezo. Kyokka ekirabo kya Katonda kyatukkirizisa gy'ali, newaakubadde nga twonoona emirundi mgingi. ¹⁷ Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?

¹⁸ Kale ng'abantu bonna bwe baasalirwa omusango olw'ekibi ekimu, bwe kityo n'olw'ekikolwa ekimu eky'obutuukirivu abantu bonna mwe baaweerwa obutuukirivu ne bafuna obulamu. ¹⁹ Obujeemu bw'omuntu omu

bwafuula abangi okuba aboonoonyi. Bwe butyo n'obuwulize bw'omuntu omu Yesu, bulifuula bangi okuba abatuukirivu.

²⁰ Amateeka gaatekebwawo, amaanyi g'ekibi galyoke galabisibwe. Kyokka ekibi bwe kyeyongera, ekisa kya Katonda kyo ne kyeyongera nnyo okusingawo. ²¹ Ng'ekibi bwe kyafugira mu kufa, n'ekisa kya Katonda kifugira mu butuukirivu ne kitutuusa mu bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe.

6

Okuba Abalamu mu Kristo

¹ Kale tunaagamba tutya? Tweyongere okwonoona, olwo ekisa kya Katonda kiryoke kyeyongere? ² Kikafuuwe, kubanga ffe abaafa eri ekibi tuyinza tutya okweyongera okukikola? ³ Oba temumanyi nga bona bwe baabatizibwa mu Yesu Kristo, baafira wamu naye? ⁴ Bwe twabatizibwa twaziikibwa wamu ne Kristo. Nga Kristo bwe yazuukizibwa okuva mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe, naffe twafuna obulamu obuggyga, era bwe tutyo tutambulirenga mu bulamu obwo obuggyga.

⁵ Obanga twegatta wamu naye mu kifaananyi eky'okufa kwe, bwe tutyo bwe tulyegattira awamu naye mu kuzuukira kwe. ⁶ Tumanyi kino nti omuntu waffe ow'edda yakomererwa wamu naye ku musaalaba, omubiri gw'ekibi guleme kuba gwa mugaso, tuleme kuddamu kuba baddu ba kibi. ⁷ Omuntu bw'afa aba takyafugibwa kibi.

⁸ Naye obanga twafiira wamu ne Kristo, tukkiriiza nga tuliba balamu wamu naye ⁹ Tumanyi nti,

nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu, takyafa nate, okufa tekukyamufuga. ¹⁰ Okufa kwe yafa eri ekibi, yafa omulundi gumu, naye kaakano mulamu era mulamu ku bwa Katonda.

¹¹ Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okuba abaafira ddala eri ekibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu. ¹² Noolwekyo ekibi kiremenga okufuga omubiri gwammwe ogufa, nga mugondera okwegomba kwagwo. ¹³ Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okukozesebwa eitali bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe bikozesebwe eby'obutuukirivu eri Katonda. ¹⁴ Temukkiriza kibi kwongera kubafuga, kubanga temukyafugibwa mateeka, wabula ekisa kya Katonda.

Baddu ba butuukirivu

¹⁵ Kale tukole tutya? Kale tukole ekibi kubanga tetufugibwa mateeka wabula ekisa kya Katonda? Kikafuuwe. ¹⁶ Temumanyi nga muba baddu b'oyo gwe muwulira? Muyinza okuba abaddu b'ekibi ne kibaleetera okufa, oba muyinza okuba abaddu abawulira Katonda n'abawa obutuukirivu. ¹⁷ Kyokka Katonda yee-bazibwe kubanga mwabanga baddu ba kibi, naye bwe mwagondera okuyigiriza kwe mwayigirizibwa n'omutima gwammwe gwonna, ne mukugondera. ¹⁸ Noolwekyo mwasumululwa okuva mu kibi, ne mufuuka baddu ba butuukirivu abasanyusa Katonda.

¹⁹ Njogera nga nkозesa olulimi olwa bulijjo kubanga mukyali banafu. Nga bwe mwawangayo ebitundu byammwe eby'omubiri okuba abaddu b'ebirowoozo eby'obugwagwa, ne mweyongeranga okukola ebitali bya butuukirivu, bwe mutyo muweeyo ebitundu byammwe eby'omubiri okuba abaddu b'obutuukirivu, nga mweweerayo ddala eri Katonda, mube batukuvu. ²⁰ Bwe mwali abaddu b'ekibi, temwafugibwanga butuukirivu. ²¹ Kale mwagasibwa ki mu kukola ebintu ebyo, ebibaleetera ensonyi? Enkomerero yaabyo kufa. ²² Naye kaakano obanga mwasumululwa mu kibi, ne mufuuka baddu ba Katonda, ebivaamu bibatuusa ku kutukuzibwa, n'enkomerero bwe bulamu obutaggwaawo. ²³ Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda, bwe bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe.

7

Ekyokulabirako Ekiva mu Bufumbo

¹ Temumanyi abooluganda, kubanga njogera eri abamanyi amateeka, ng'amateeka gafuga oyo yekka akyali omulamu? ² Ka mbawe ekyokulabirako: mu mateeka omukazi omufumbo, asigala nga wa bba, bba bw'aba ng'akyali mulamu. Naye bba bw'afa, omukazi oyo ng'asumuluddwa mu tteeka eribagatta. ³ Noolwekyo omukazi oyo bwe yeegatta n'omusajja omulala, bba ng'akyali mulamu, omukazi oyo anaayitibwanga mwenzi. Naye bba bw'afanga, olwo omukazi omufumbo anaabanga asumuluddwa mu tteeka,

era taabenga mwenzi bw'anaafumbirwanga omusajja omulala.

⁴ Nammwe baganda bange mwafa eri amateeka, muli ba mubiri gwa Kristo. Mwegatta ku Kristo eyazuukizibwa okuva mu bafu, tulyoke tubale ebibala ebisanyusa Katonda. ⁵ Kubanga bwe twali tukyafugibwa omubiri, okwegomba kw'ebibi kwakoleranga mu bitundu byaffe eby'omubiri olw'amateeka, era enkomerero kwali kufa. ⁶ Naye kaakano tetukyafugibwa mateeka. Tuli bafu eri ebyo ebyali bitusibye, era tebitulinaako buyinza. Noolwekyo tuyinza okuweereza Katonda mu ngeri empya eya Mwoyo Mutukuvu, so si mu nkola enkadde ey'amateeka.

Okulwanagana n'Ekibi

⁷ Kale tunaayogera ki? Amateeka kye kibi? Kikafuuwe. Singa tewали mateeka, sanditegedde kibi. N'okwegomba kw'omubiri sandikutegeeredde ddala singa amateeka tegaagamba nti, "Teweegombanga." ⁸ Ekibi kyeyambisa etteeka lino, ne kindeetera okwegomba okwa buli ngeri. Noolwekyo awatali mateeka, ekibi kiba kifu. ⁹ Edda nali mulamu awatali mateeka, naye etteeka bwe lyajja, ekibi ne kiramuka, n'okufa ne nfa. ¹⁰ Era ne nkizuula ng'etteeka eryali liteekwa okumpa obulamu, lye lyandetera okufa. ¹¹ Ekibi kyeyambisa ekiragiro ekyo ne kinnimba, era ne kinzita. ¹² Noolwekyo amateeka matukuvu, era n'ekiragiro kitukuvu, kirunyamya era kirungi.

¹³ Kale ekirungi gye ndi, ate kye kyafuuka okufa? Nedda. Ekibi kye kyakozesa ekiragiro ekirungi kiryoke kinzite. Noolwekyo tulaba ekibi bwe kiri, ekibi ddala.

¹⁴ Tumanyi ng'amateeka mwoyo, naye nze omuntu obuntu, natundibwa ng'omuddu nfugibwe ekibi. ¹⁵ Kubanga kye nkola siki manyi. Kye njagala si kye nkola, naye kye nkyawa kye nkola. ¹⁶ Newaakubadde nga nkola kye mmanyi nga kikyamu, nzikiriza ng'amateeka malungi. ¹⁷ Noolwekyo si nze nkola ebintu ebyo ebibi, wabula ekibi ekiri mu nze. ¹⁸ Mmanyi nga mu nze, temuli kalungi n'akamu. Ne bwe njagala okukola ekirungi, tewali kirungi kye nkola. ¹⁹ Ekirungi kye njagala okukola si kye nkola, naye ekibi kye saagala kye nkola. ²⁰ Naye obanga kye saagala kye nkola, si nze mba nkikola, wabula ekibi ekibeera mu nze.

²¹ Noolwekyo nzudde mu mateeka nga bwe njagala okukola ebirungi, ekibi kimbeera kumpi. ²² Mu nze mu muntu ow'omunda njagala nnyo okugondera amateeka ga Katonda. ²³ Naye mu mubiri gwange gwonna, ndaba amateeka ag'enjawulo nga gawakana n'etteeka lya Katonda amagezi gange ge limanyi. Ekyo kinfula omusibe w'amateeka ag'ekibi, ekikolera mu mubiri gwange. ²⁴ Nga ndi muntu munaku! Ani alindokola mu mubiri guno ogugenda okufa? ²⁵ Kyokka Katonda yeebazibwe mu Yesu Kristo Mukama waffe.

Nze kennyini mu birowoozo byange, ndi muddu w'amateeka ga Katonda era gwe

mpeereza, newaakubadde ng'okwegomb
kwange okw'omubiri, mpeereza etteeka ly'ekibi.

8

Obulamu Obuva mu Mwoyo

¹ Noolwekyo abo abali mu Kristo Yesu, tebaliko musango; abo abatagoberera kwegomb
okw'omubiri wabula ne bagoberera Omwoyo.

² Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu
mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka
ly'ekibi n'okufa. ³ Amateeka ga Musa kye
gataayinza kukola, olw'okunafuyizibwa omu
biri, Katonda yakikola mu Mwana we yen
nyini bwe yamutuma mu kifaananyi ky'omubiri
ogw'ekibi, n'asalira ekibi omusango mu mubiri.
⁴ Ekyo kyabaawo, eby'obutuukirivu mu ma
teeka biryoke bituukirire mu ffe bwe tugondera
Omwoyo, ffe abatatambulira mu mubiri naye
abatambulira mu Mwoyo.

⁵ Abo abalwoooleza mu mubiri balowooza
bintu bya mubiri, naye abalwoooleza mu Mwoyo
balowooza bya Mwoyo. ⁶ Okulwoooleza mu
by'omubiri kwe kufa, naye okufugibwa Omwoyo
bwe bulamu n'emirembe. ⁷ Kubanga oku
lowooza eby'omubiri kya bulabe eri Katonda.
Ebirowoozo eby'omubiri tebiyinza kuwulira ma
teeka ga Katonda. ⁸ N'abo abafugibwa omubiri
tebayinza kusanyusa Katonda.

⁹ Naye mmwe temufugibwa mubiri wabula
mufugibwa Mwoyo, kubanga Omwoyo wa Ka
tonda abeera mu mmwe. Era omuntu yenna
bw'ataba na Mwoyo wa Kristo, oyo si wa

Kristo. ¹⁰ Era obanga Kristo ali mu mmwe, omubiri gwammwe mufu olw'ekibi, ate ng'omwoyo gwammwe mulamu olw'obutuukirivu. ¹¹ Era obanga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu abeera mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu, alifuula emibiri gyammwe egifa okuba emiramu ku bw'Omwoyo we abeera mu mmwe.

¹² Noolwekyo abooluganda tulina ebbanja, so si eri omubiri okugondera bye gutulagira. ¹³ Kubanga bwe munaagobereranga omubiri, mugenda kufa. Naye bwe munnatta ebikolwa eby'omubiri, muliba balamu, ¹⁴ kubanga abo bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana ba Katonda. ¹⁵ Temwaweebwa mwoyo gwa buddu ate mutye, wabula mwaweebwa Omwoyo eyabafuula abaana, era ku bw'oyo tumukoowoola nti, "Aba, Kitaffe." ¹⁶ Omwoyo yennyini akakasiza wamu n'omwoyo waffe nga bwe tuli abaana ba Katonda. ¹⁷ Kale nga bwe tuli abaana, tuli basika ba Katonda, era tulisikira wamu ne Kristo, bwe tubonaabonera awamu naye, tulyoke tuweerwe wamu naye ekitiibwa.

Ekitiibwa Ekijja

¹⁸ Okubonaabona kwe tubonaabona kaakano kutono nnyo bwe kugeraageranyizibwa n'ekitiibwa ekiritubikulirwa. ¹⁹ Ebitonde birindirira n'essuubi lingi ekiseera abaana ba Katonda lwe baliragibwa. ²⁰ Kubanga ebitonde tebyafugibwa butaliimu nga byeyagalidde, wabula ku bw'oyo eyabifugisa, mu kusuubira. ²¹ Ebitonde birifuulibwa bya ddembe okuva mu kufugibwa okuvunda ne bigabanira wamu

n'abaana ba Katonda ekitiibwa eky'okuba mu ddembe.

²² Tumanyi ng'ebitonde byonna bisinda era ne birumwa ng'omukazi alumwa okuzaala bw'abeera. ²³ Naye ate si ekyo kyokka, era naffe abalina ebibala ebibereberye eby'Omwoyo, naffe tusinda munda yaffe nga tulindirira okufuuka abaana, kwe kununulibwa kw'emibirgyaffe. ²⁴ Twalokolelbwa lwa ssuubi eryo. Naye essuubi erirabibwa si ssuubi; kubanga ani asuubira ky'alabako? ²⁵ Naye bwe tusuubira kye tutalabako, tukirindirira n'okugumiikiriza.

²⁶ N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka. ²⁷ Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. ²⁸ Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi. ²⁹ Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa mu kifaananyi ky'Omwna we, ye abeerenga omubereberye mu booluganda abangi. ³⁰ Abo be yalonda, n'okubayita yabayita, n'abo be yayita, yabawa obutuukirivu, n'abo be yawa obutuukirivu yabagulumiza.

³¹ Kale tunaagamba ki ku bintu bino? Katonda bw'abeera ku lwaffe, ani asobola okutulwanyisa? ³² Oyo ataasaasira Mwana we ye, naye n'amuwaayo ku lwaffe ffenna, talituwa buwi bintu byonna awamu naye? ³³ Ani

aliroopa abalonde ba Katonda? Katonda y'awa obutuukirivu. ³⁴ Ani alibasalira omusango? Kristo Yesu yafa, kyokka okusinga byonna yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng'atwegayiririra. ³⁵ Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? Kubonaabona, oba bulumi, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwerere, oba kabi, oba kitala? ³⁶ Kyawandiikibwa nti:

"Ku lulwo tutiisibwatiisibwa n'okuttibwa obudde okuziba,
era tubalibwa ng'endiga ez'okusalibwa."

³⁷ Naye mu bino byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala. ³⁸ Kubanga nkakasiza ddala nga newaakubadde okufa, wadde obulamu, wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo, wadde ebigenda okujja, wadde amaanyi, ³⁹ wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirala kyonna, tewali kiriyinza kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe.

9

Okulonda kwa Katonda

¹ Njogera amazima mu Kristo, sirimba, omwoyo gwange nga gunkakasa mu Mwoyo Mutukuvu, ² nga ndimunakuwavu nnyo era nga nnumwa mu mutima. ³ Nnali njagala nze mwene nkolimirwe Katonda era njawukanyizibwe ku Kristo olwa baganda bange, bwe tuli ab'omu mubiri, ⁴ be Bayisirayiri, abantu ba Katonda abalonde. Katonda yabalaga ekitibwa kye, n'akola nabo endagaano, n'abawa

n'amateeka ge. Yeekaalu yagibawa, n'abawa n'ebyasuubizibwa. ⁵ Balina bajjajaabwe abamanyyiddwa, Kristo be yasibukamu mu mubiri. Nsaba Katonda afuga byonna atenderezebwenga emirembe gyonna, Amiina.

⁶ Naye si kuba nti Katonda yalemwa okutuukiriza kye yasuubiza. Si bona ab'omu Isirayiri nti bantu ba Katonda ddala. ⁷ Ate so si nti ly'ezzadde ly a Ibulayimu bona balyoke babeere abaana, naye ekisuubizo kyali ku Isaaka bwe kyagambibwa nti, "Mu Isaaka mwe ndituukiririza ebyo byonna bye nakusuubiza." ⁸ Kino kitegeeza nti abaana ab'omubiri si be baana ba Katonda, wabula abo ab'okusuubiza be babalibwa okuba ezzadde ly a Ibulayimu. ⁹ Kubanga ekigambo ky'okusubiza kye kino nti, "Mu kiseera nga kino Saala alizaala omwana owoobulenzi."

¹⁰ Ate si ekoy kyokka, naye ne Isaaka jjajjaffe yalina Lebbeeka eyali olubuto. ¹¹ Naye ng'abalongo tebannazaalibwa, era nga tebannabaako kye bakola kyonna ekirungi oba ekibi, okusiima kwa Katonda nga bwe kuli, ¹² si lwa bikolwa wabula ku bw'oyo eyabayita, kyategeezebwa Lebbeeka nti, "Omukulu y'aliba omuweereza w'omuto." ¹³ Era nga bwe kyawandiikibwa nti, "Yakobo namwagala, naye Esawu namukyawa."

¹⁴ Kale tunaagamba ki? Ddala ddala Katonda talina bwenkanya? Kikafuuwe. ¹⁵ Agamba Musa nti,

"Ndisaasira oyo gwe ndisaasira,
era ndikwatirwa ekisa oyo gwe ndikwatirwa
ekisa."

¹⁶ Noolwekyo tekiva ku ebyo omuntu by'ayagala newaakubadde by'akola, wabula ku kusaasira kwa Katonda. ¹⁷ Ebyawandiikibwa kyebyava byogera ku Falaawo nti, "Kyennava nkuyimusa, ndyoke njolesa amaanyi gange mu ggwe, erinya lyange liryoke litegeeezebwé mu nsi zonna." ¹⁸ Noolwekyo Katonda asaasira oyo gw'ayagala okusaasira, ate n'akakanyaza omutima gw'oyo gw'ayagala okukakanyaza.

¹⁹ Omu akyayinza okumbuuza nti, Lwaki Katonda atunenya, obanga y'atuleetera okukola nga bw'asiima? ²⁰ Naye ggwe omuntu obuntu, ggwe ani addamu ng'owakanya Katonda? Eki bumbe kiyinza okumbuuza eyakibumba nti, "Lwaki wammumba bw'oti?" ²¹ Oba omubumbi talina buyinza ku bbumba, okubumbamu ekibya eky'omugaso, oba okubumbamu ekitali kya mugaso?

²² Katonda yayagala okulaga obusungu bwe, n'amaanyi ge eri abo bona abaali basaanira okuzikirizibwa, kyokka n'abalaga obugumiikiriza. ²³ Ekyo yakikola alyoke amanyise obugagga bw'ekitiibwa kye, eri abo bona be yeerondera okugabanira awamu ekitiibwa kye. ²⁴ Naffe yatuyita, si Bayudaaya bokka naye n'Abaamawanga. ²⁵ Ne mu Koseya agamba nti, "Abataali bantu bange ndibayita abantu bange, Ne gwe nnali ssaagala, ndimwagala."

²⁶ Mu kifo omwo mwe baayitirwa nti,
"Temuli bantu bange,
mwe baliyitirwa abaana ba Katonda omulamu."

- ²⁷ Isaaya ayogera eri Isirayiri mu ddoboozi ery'omwanguka nti,
 “Omuwendo gw'abaana ba Isirayiri ne bwe gu-
 lyenkana ng'omusenyu gw'enyanja,
 ekitundu ekirisigalawo kye kirirokolebwa.
- ²⁸ Kubanga Mukama alisalawo
 era alituukiriza mangu ekyo kye yagamba
 okukola ku nsi.”
- ²⁹ Era nga Isaaya bwe yayogera edda nti,
 “Singa Mukama ow'Eggye
 teyatulekerawo zzadde,
 twandifuuse nga Sodomu,
 era twandifaananye nga Ggomola.”

Obutakkiriza bw'Abayudaaya

- ³⁰ Kale tunaagamba ki? Tugambe nti Abaa-
 mawanga abataagobereranga butuukirivu, baa-
 funa obutuukirivu, bwe butuukirivu obuva
 mu kukkiriza, ³¹ naye Isirayiri mu kugober-
 eranga amateeka ag'obutuukirivu, teyafuna bu-
 tuukirivu obwo? ³² Lwaki? Ekyo baalema okuki-
 tuukako kubanga tebaagoberera butuukirivu mu
 kukkiriza wabula mu bikolwa. Beesittala ku
 jjinja eryo eryesittalwako, ³³ nga bwe kyawandi-
 ikibwa nti,
 “Laba, nteeka mu Sayuuni ejinja eryesittal-
 wako*
 n'olwazi olilibasuula.
 Oyo amukkiriza taliswazibwa.”

* **9:33** Ejinja eryesittalwako ye Kristo.

10

¹ Abooluganda, kye njagala mu mutima gwange era kye nsabira Abayisirayiri eri Katonda, kwe kulokolebwa. ² Kubanga nkakasa nga balina obunyiikivu eri Katonda, naye si mu kutegeera. ³ Mu butamanya butuukirivu bwa Katonda, bagezaako okwenoonyeza obutuukirivu, nga bagondera amateeka mu kifo ky'okugondera obutuukirivu bwa Katonda. ⁴ Kristo atuwa amakulu amajjuvu, buli amukkiriza n'amuwa obutuukirivu.

⁵ Musa awandiika ku butuukirivu obuva mu mateeka nti, "Omuntu alikola ebintu ebyo aliba mulamu mu byo." ⁶ Naye okukkiriza okuva mu butuukirivu, kugamba nti, "Toyogeranga mu mutima gwo nti, 'Ani alirinnya mu ggulu?' (kwe kuggya Kristo mu ggulu) ⁷ newaakubadde okugamba nti, 'Ani alikka emagombe?' (kwe kuggya Kristo mu bafu.)" ⁸ Abo bona abalina okukkiriza mu Kristo bagamba nti, "Ekigambo kiri kumpi naawe, kiri mu kamwa ko era kiri mu mutima gwo," kye kigambo eky'okukkiriza kye tubuulira. ⁹ Bw'oyatula n'akamwa ko nti, Yesu ye Mukama, n'okkiriza n'omutima gwo nga Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka. ¹⁰ Kubanga omuntu akkiriza na mutima gwe n'aweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa ke n'alokoka. ¹¹ Kubanga Ebyawandiikibwa bigamba nti, "Buli amukkiriza taliswazibwa." ¹² Tewali njawulo wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, kubanga Mukama waabwe y'omu era ayanukula abo bona abamukoowoola. ¹³ Buli alikoowoola erinnya lya

Mukama alirokoka. ¹⁴ Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiririzaamu? Era balikkiriza batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali abuulira? ¹⁵ Era balibuulira batya nga tebatumiddwa? Ekyawandiikibwa nga bwe kigamba nti, “Ebigere by’abo abategeeza amawulire amalungi, nga birungi.” ¹⁶ Naye si bona abaagondera Enjiri. Isaaya agamba nti, “Mukama, waliwo akkirizza obubaka bwaffe?” ¹⁷ Noolwekyo okukkiriza kujja olw’okuwulira ekigambo kya Kristo. ¹⁸ Naye mulowooza Abayisirayiri tebaawulira? Weewaawo baawulira. Ebyawandiikibwa bigamba nti,

“Eddoboozi lyabwe lyabuna mu nsi zonna,
n’ebigambo byabwe byatuuka ku
nkomerero z’ensi.”

¹⁹ Abayisirayiri baabitegeera oba
tebaabitegeera? Bw’ati Musa bw’addamu
ekibuuzo ekyo:

“Ndibaleetera okukwatirwa obuggyga abatali gg-wanga,
ne mbasunguwaza olw’eggwanga eritalina
kutgeera.”

²⁰ Ne Isaaya yali muvumu bwe yagamba nti,

“Nazuulibwa abo abatannoonya,
ne ndabika eri abo abatambuulirizaako.”

²¹ Naye eri Isirayiri agamba nti,

“Olunaku lwonna nalumala nga ngolodde
emikono gyange
eri eggwanga ekkakanyavu era abantu
abeewaggula.”

11

¹ Kale ka mbuuze: Katonda yeegoberako ddala abantu be? Kikafuuwe. Kubanga nange ndi Muyisirayiri, era muzzukulu wa Ibulayimu, ow'omu kika kya Benyamini. ² Katonda tasuulanga bantu be, be yalonda okuva ku luberebery. Oba temumanyi ekyawandiikibwa ekyogera ku Eriya bwe yeegayirira Katonda nga yeemulugunya olwa Isirayiri? ³ Yagamba nti, "Mukama, basse bannabbi bo ne bamenyaamenya n'ebyoto byo. Nze nzekka nze nsigaddewo, ate bannoonya okunzita." ⁴ Naye Katonda yamuddamu atya? Yamugamba nti: "Neesigalizzaawo abasajja kasanvu abatafukaamirira Baali." ⁵ Era bwe kityo ne mu biro bino waliwo ekitundu ekyasigalawo abaalondebwamu olw'ekisa. ⁶ Naye obanga lwa kisa, si lwa bikolwa nate, kubanga ekisa kyandibadde tekikyali kisa.

⁷ Kale tugambe ki? Abayisirayiri baalemwa okufuna kye baali banoonya, wabula be yaldamru be baakifuna, abalala ne bakakanyazibwa, emitima, ⁸ nga bwe kyawandiikibwa nti, "Katonda yabawa omwoyo ogw'okubongoota, n'aleetera amaaso gaabwe obutalaba, n'amatu gaabwe obutawulira okutuusa leero."

⁹ Ne Dawudi yagamba nti, "Leka ekijjulo kyabwe kibafuukire omutego, era ekitimba, eky'okubatega era empeera ebasaanira.

¹⁰ Amaaso gaabwe ka gabeeko ekifu, baleme okulaba.

Era batambule nga bakootakoota emirembe n'emirembe."

¹¹ Kale ka mbuuze, kyebaava beesittala balyoke bagwe? Kikafuuwe. Naye olw'okwonoona kwabwe, obulokozi kyebwava bujja eri Abaamawanga, Abayudaaya balyoke bakwatibwe obuggyga. ¹² Kale obanga okwonoona kwabwe kutegeeza bugagga eri ensi, n'okulemwa kwabwe nga kutegeeza bugagga eri Abaamawanga, okuganyulwa kwabwe tekulisingawo!

¹³ Kaakano njogera gye muli Abaamawanga, nga bwe ndi omutume eri Abaamawanga, ngulumiza obuweereza bwange, ¹⁴ singa kisoboka nkwase baganda bange obuggyga abamu ku bo basobole okulokolebwa. ¹⁵ Kubanga obanga okugobebwa kwabwe kwe kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kulitegeeza ki, bwe kutaliwa bafu bulamu? ¹⁶ Kale kaakano obanga ekitole ky'enjano ekandiddwa ne kiweebwayo ng'ekibala ekiperebereye kitukuvu, n'enjaaano yonna ntukuvu; era obanga ekikolo kitukuvu, n'amatabi matukuvu.

¹⁷ Naye obanga amatabi agamu gaawogolebwa, ate nga ggwe eyali omuzeiyituuni ogw'omu nsiko wasimbibwa ku kikolo kyagwo, n'ogabana ku bugimu bw'ekikolo ky'omuzeiyituuni, ¹⁸ teweenyumirizanga ku matabi ago; naye bwe weenyumirizanga, jjukira nga si gwe owaniridde ekikolo, naye ekikolo kye kikuwaniridde. ¹⁹ Oyinza okwogera nti, "Amatabi gaawogolwako, ndyoke nsimbibweko." ²⁰ Ky'oyogedde kiba

kituufu. Weewaawo gaawogolwako lwa butakkiriza, kyokka ggwe onyweddde lwa kukkiriza. Teweenyumirizanga, naye otyanga. **21** Kuba obanga Katonda teyasaasira matabi ga buzaaliranwa, nammwe ayinza obutabasaasira.

22 Kale mufumiitirize ku kisa n'obukambwe bwa Katonda. Aba mukambwe eri abo abaagwa, naye n'aba wa kisa eri ggwe, bwe weeyongera okunywerera mu kisa kye, kubanga naawe bw'otonywere oliwogolwako. **23** Era n'abo oluvannyuma bwe balikkiriza, balizzibwako ku nduli kubanga Katonda ayinza okubazaako kuli. **24** Kuba obanga ggwe mu buzaaliranwa bwo gwe eyawogolwa ku muzeyituuni, wazzibwa ku muzeyituuni ogutali gwa buzaaliranwa bo, abo ab'obuzaaliranwa tebalisinga nnyo okuzzibwa ku muzeyituuni gwabwe bo?

25 Kubanga ssaagala mmwe abooluganda obutamanya kyama kino nga mwelowooza okuba ab'amagezi, ng'abamu ku Bayisirayiri bwe baakakanyaza emitima gyabwe, okutussa mmwe Abaamawanga, lwe muliyingira. **26** N'oluvannyuma Isirayiri yenna alirokolebwa, ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti,

"Omulokozi aliva mu Sayuuni,
era aliggyawo obutatya Katonda mu baz-zukulu ba Yakobo.

27 Era eyo ye ndagaano yange nabo,
bwe ndibaggyako ebibi byabwe."

28 Mu njiri balabe ku lwammwe, naye mu kulondebwa baagalwa olwa bajajjaabwe. **29** Kubanga Katonda bw'agabira abantu ebirabo oba bw'abayita, teyejjusa. **30** Kuba nga mmwe

edda bwe mwajeemera Katonda, kyokka kaakano nga musaasiddwa olw'obujeemu bw'Abayudaaya, ³¹ bwe batyo nabo kaakano bajeemu, eri ekyo ekyali okusaasira gye muli, balyoke basaa sirwe. ³² Kubanga Katonda yaleka abantu bona mu bujeemu alyoke abakwatirwe ekisa.

³³ Kale nga Katonda wa kitalo,
ng'amagezi ge mangi n'okutegeera kwe
kungi era n'obugagga bungi;
ensala ye ey'emisango nga tekeberekekka,
n'amakubo ge tegekkaanyizika.

³⁴ "Kubanga ani ayinza okutegeera okulowooza
kwa Mukama?

Oba ani ayinza okumuluŋjamya?"

³⁵ "Oba ani eyali asoose okumuwa ekintu,
alyoke amuddizeewo?"

³⁶ Kubanga byonna biva gy'ali, era biyita mu ye
era bidda gy'ali.

Ekitiibwa kibe gy'ali emirembe gyonna.
Amiina.

12

Ssaddaaka Ennamu

¹ Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo. ² So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima.

³ Kubanga njogera olw'ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekkyo ky'asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza. ⁴ Kubanga nga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu, ebitundu ebyo byonna bikola emirimu gyा njawulo. ⁵ Noolwekyo nga bwe tulina omubiri ogumu mu Kristo, buli muntu kitundu ku mubiri ogumu ogwo. ⁶ Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri, ⁷ oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza; ⁸ oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu.

Okwagala

⁹ Mube n'okwagala okutaliimu bukuusa. Mukyawenga ekibi, munywererenga ku kirungi, ¹⁰ nga mwagalana mu kwagala okw'abooluganda, nga muwanjana ekitiibwa, ¹¹ mu kunyiikira so si mu kugayaala. Musanyukirenga mu mwoyo nga muweereza Mukama, ¹² nga musanyukira mu kusuubira, nga mugumiikiriza mu kubonaabona era nga munyiikira mu kusaba. ¹³ Mufengayo ku byetaago by'abantu ba Katonda, era mwanirizenga abagenyi.

¹⁴ Musabirenga ababayigganya;
mubasabirenga so temubakolimiranga.

¹⁵ Musanyukirenga wamu n'abo abasanyuka, era mukaabirenga wamu n'abo abakaaba.
¹⁶ Buli muntu abeerenga mu mirembe muntu ne munne, nga temwegulumiza naye nga muba bakkakkamu. Temwekulumbazanga.

¹⁷ Temusasulanga kibi olw'ekibi, naye mukolenga birungi byereere eri bonna.
¹⁸ Mukolenga kyonna ekisoboka okutabagana n'abantu bonna; ¹⁹ abaagalwa, temuwalananga ggwanga, era ekiruyi mukirekere Katonda, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula," bw'ayogera Mukama. ²⁰ "Noolwekyo omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta muwenga ekyokunywa, bw'okola bw'otyo olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe." ²¹ Towangulwanga kibi, naye wangulanga ekibi ng'okola obulungi.

13

¹ Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri Katonda, era n'abafuzi abaliwo Katonda ye yabalonda. ² Noolwekyo abawakanya abafuzi, bawakanya buyinza bwa Katonda. Era baba bawakanya kiragiro kye, bwe batyo ne beereetako bokka omusango.
³ Kubanga abafuzi baba tebalwanyisa bikolwa birungi naye ebibi. Oyagala obutakangibwa wa buyinza, kola bulungi osiimibwe, ⁴ kubanga muweereza wa Katonda ku lw'obulungi bwo. Naye bw'onookolanga ekibi, osaanidde otye kubanga ekitala ky'alina si kya bwereere,

kubanga muweereza wa Katonda awoolera egg-wanga eri oyo akola ekibi. ⁵ Noolwekyo kibagwanira okuba abawulize, si lwa busungu bwokka, naye n'olw'okumanya nga kye kituufu.

⁶ Era kyemuva muwa omusolo kubanga abakozi abo baweereza ba Katonda nga banyikirira emirimu gyabwe. ⁷ Abantu bonna basasulenga ebibabanjibwa; musasulenga emisolo eri abo be muteekwa okuwa omusolo, n'ow'empooza mumuwenga empooza; n'oyo ateekwa okutiibwa mumutyenga, n'oyo ateekwa okuweebwa ekitiibwa mumuwenga ekitiibwa.

⁸ Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagananaga; kubanga aya-gala muntu munne ng'atuukiriza amateeka.

⁹ Kubanga amateeka gano nti, "Toyendanga, tottanga, tobbanga, teweegombanga," n'etteeka eddala, ligattiddwa mu kino nti, "Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka."

¹⁰ Ayagala muliraanwa we tamukola bubi; noolwekyo okwagala kyekuva kutuukiriza amateeka.

¹¹ Mumanye nga kino kye kiseera, era essaawa etuuse mugolokoke okuva mu tulo, kubanga kaakano obulokozi bwaffe buli kumpi okusinga ne we twakkiririza. ¹² Ekiro kiyise, obudde bunaatera okukya, noolwekyo tweyambulemu ebikolwa eby'ekizikiza, twambale ebyokulwanyisa eby'omusana. ¹³ Tutambulenga ng'ab'omu musana, so si mu binyumu ne mu kutamiira, ne mu bwenzi n'obukaba, ne mu kuyombagana n'obuggyga, ¹⁴ naye twambale Mukama waffe Yesu Kristo so tetuwanga mubiri bbanga kukola ng'okwegomba kwagwo bwe kuli.

14

Obutanenyagananga lwa Byakulya

¹ Mwanirizenga omunafu mu kukkiriza, nga temumusalira musango. ² Wabaawo omuntu omu akkiririza mu kulya ebintu byonna, nga so ye omunafu akoma ku nva kwokka. ³ Omuntu asalawo okubaako ky'alya tanyoomanga atakirya, n'oyo atalya kintu alemenga kusalira musango oyo akirya kubanga Katonda yamusembeza. ⁴ Ggwe ani asalira omusango omuweereza w'omuntu omulala? Mukama we y'amanya oba atuukiriza emirimu gye oba tagituukiriza. Naye aligituukiriza kubanga Mukama we alimusobozesa.

⁵ Omuntu omu agulumiza olunaku olumu okusinga olulala, naye omulala n'alowooza nti ennaku zonna zenkanankana. Noolwekyo buli muntu anywererenga ku ky'alowooza bwe kiba nga kye kituufu. ⁶ Akuza olunaku aba alukuza eri Mukama. Oyo alya aba alya ku bwa Mukama, kubanga aba agulumiza Katonda. N'oyo atalya aba talya ku bwa Mukama, era aba agulumiza Katonda. ⁷ Kubanga tewali n'omu ku ffe abeera omulamu ku bubwe yekka, era tewali n'omu afa ku lulwe. ⁸ Kubanga bwe tuba abalamu, tuba balamu ku bwa Mukama, oba bwe tufa, tufa ku bwa Mukama. Kale nno bwe tuba abalamu oba bwe tufa, tuli ba Mukama.

⁹ Kubanga ekyo Kristo kye yafiira ate n'abeera omulamu, alyoke abeere Mukama w'abo abaafa era n'abalamu. ¹⁰ Kale ggwe lwaki osalira muganda wo omusango? Oba lwaki onyooma

muganda wo? Kubanga ffenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ya Katonda, ey'okulamula.
11 Kubanga kyawandiikibwa nti,

“Nga bwe ndi omulamu,’ bw’ayogera Mukama,
 ‘buli vviivi lirinfukaamirira
 era na buli lulimi lulyatula Katonda.’”

12 Noolwekyo buli omu ku ffe alyennyonyolako eri Katonda.

Okwesittaza Abalala

13 Noolwekyo tetusaliragananga misango. Tumalirire obutesittaza waluganda wadde okumutega okugwa mu kibi. **14** Mmanyi era nkakasiza ddala mu Mukama waffe Yesu, nga tewali kya muzizo ku bwakyo, wabula kya muzizo eri oyo akirowooza nga kya muzizo.

15 Kubanga obanga muganda wo anakuwala olw'ekyo ky'olya, oba tokyatambulira mu kwagala; tolyanga kintu kyonna ky'omanyi nga kinaakyamya omuntu oyo Kristo gwe yafirira.

16 Ekirungi ekiri mu mmwe kireme okuvumibwa. **17** Kubanga obwakabaka bwa Katonda si kulya na kunywa, wabula butuukirivu na mirembe, na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu. **18** Kubanga aweereza Kristo mu ebyo asanyusa nnyo Katonda era asiimibwa abantu.

19 Noolwekyo tunyiikirirenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagna ffekka ne ffekka.

20 Toyoonoonanga mulimu gwa Katonda olw'emmere. Ebintu byonna birongoofu, naye ekibi kwe kulya ekyo ekireetera omulala okwesittala. **21** Kirungi obutalya nnyama

newaakubadde okunywa wayini newaakubadde ekintu kyonna ekyesittaza muganda wo.

²² Ky'okkiririzaamu mu kulya kikuume nga kya kyama ne Katonda. Alina omukisa ateesalira musango kumusinga mu ekyo ky'alowooza nga kituufu. ²³ Naye oyo abuusabuusa bw'alya, omusango gumaze okumusinga, kubanga talya lwa kukkiriza, era na buli ekitava mu kukkiriza kiba kibi.

15

Temwesanyusa Mwekka

¹ Ffe abanywevu kitugwanidde okwetikkanga obunafu bw'abo abatali banywevu, so si okwesanyusa ffekka. ² Buli omu ku ffe asanyusenga muliraanwa we mu bulungi olw'okumuzimba mu kukkiriza. ³ Kubanga ne Kristo teyeesanyusa yekka, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Ebivume by'abo abaakuvuma byagwa ku nze." ⁴ Kubanga ebyawandiikibwa byonna edda, byawandiikibwa kutuyigiriza, tulyoke tugumiikirizenga era tuzzibwemu amaanyi, ate tube n'essuubi.

⁵ Kaakano Katonda w'okugumiikiriza era azamu amaanyi, abawe okulowoozanga obumu buli omu eri munne mu Kristo Yesu, ⁶ mu mwoyo gumu n'eddoboozi limu mulyoke mugulumizenga Katonda, Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo.

⁷ Noolwekyo mwanirizaganenga, nga Kristo bwe yabaaniriza olw'ekitiibwa kya Katonda.

⁸ Kubanga njogera nti Kristo yafuuka muweereza w'abakomole olw'amazima ga Katonda alyoke anyweze ebisuubizo bya bajjajjaffe

⁹ n'Abaamawanga balyoke bagulumize Katonda olw'okusaasira kwe, nga bwe kyawandiikibwa nti,

"Kyendiva nkutendereza mu Baamawanga,
era ne ntendereza erinnya lyo."

¹⁰ Era n'ayongera n'agamba nti:

"Mmwe Abaamawanga musanyukirenga wamu
n'abantu be."

¹¹ Era nate nti,

"Abaamawanga mwenna, mutendereze
Mukama,
era abantu bonna bamutenderezenga."

¹² Ne Nnabbi Isaaya agamba nate nti,

"Walibaawo muzzukulu wa Yese alijja
era alisituka okufuga Abaamawanga,
era mu ye mwe muliba essuubi lyabwe."

¹³ Kaakano Katonda w'okusubira, abajuze
essanyu lyonna n'emirembe mu kukkiriza, mu-
lyoke mweyongerenga mu ssuubi ery'amaanyi
aga Mwoyo Mutukuvu.

Pawulo Omuweereza w'Abaamawanga

¹⁴ Era matidde baganda bange, nze kennyini,
nga nammwe bennyini mujjudde obulungi, nga
mujjudde okutegeera kwonna, era nga muyinza
okubuuliriragana. ¹⁵ Naye mu bitundu ebimu
eb'yebbaluwa eno nabawandiikira n'obuvumu
nga mbajjukiza olw'ekisa ekyampebwa okuva
eri Katonda, ¹⁶ kubanga nze ndi muweereza
wa Kristo Yesu eri Abaamawanga, nga nkola
obuweereza obutukuvu nga mbulira Enjiri
ya Katonda, ekiweebwayo ky'Abaamawanga

kiryoke kikkirizibwe, nga kitukuzibbwaa Mwoyo Mutukuvu.

¹⁷ Noolwekyo neenyumiririza mu Kristo olw'omulimu gwa Katonda; ¹⁸ kubanga sirtyanjanga kwogera bintu Kristo by'atakolera mu nze Abaamawanga balyoke babeere abawulize mu kigambo ne mu bikolwa, ¹⁹ ne mu maanyi ag'obubonero n'eb'y'amagero, ne mu maanyi ag'Omwoyo wa Katonda. Bwe ntyo okuva e Yerusaalemi n'okwetooloola okutuuuka mu Iruliko*, mbulidde Enjiri ya Kristo mu bujuvu. ²⁰ Nduubirira okubuulira Enjiri mu bifo etayatulwanga linnya lya Kristo, nneme okuzimba ku musingi gw'omuntu omulala, ²¹ nga bwe kyawandiikibwa nti,
“Abo abatategeeezbwanga bimufaako baliraba,
n'abo abatawulirangako balitegeera.”

Pawulo Ategeka Okukyalira Ruumi

²² Kyennava nziyizibwanga ennyo okujja gye muli; ²³ naye kaakano nga bwe sikyalina kifo mu bitundu by'eno, ate nga maze emyaka mingi nga njagala okujja gye muli, nsubira okujjayo, ²⁴ bwe ndiba nga ndaga mu Espaniya. Kubanga nsuubira okubalaba nga mpitayo, n'oluvannyuma munnyambe okuva eyo ndyoke ntuukirize ekitundu ekisooka. ²⁵ Naye kaakano ndaga e Yerusaalemi okuweereza abatukuvu. ²⁶ Ab'omu Makedoniya ne mu Akaya baasanyuka okuwaayo ku byabwe eri abatukuvu abaavu ab'omu Yerusaalemi.

* **15:19** Iruliko: mu biro bino y'ensi ya Jugosiloviya mu nsi z'Ebulaaya

²⁷ Baasanyuka era balina ebbanja gye bali, kubanga ng'Abaamawanga bwe baagabana ku bintu eby'omwoyo okuva gye bali, n'Abaamawanga nabo basaanye okubaweereza mu bintu eby'omubiri. ²⁸ Noolwekyo bwe ndimaliriza ekyo ne mbakwasa ekibala ekyo, ndiyitira ewammwe nga ḥñenda Espaniya. ²⁹ Era mmanyi nga bwe ndijja gye muli, ndijja n'omukisa gwa Kristo mu bujuvu.

³⁰ Kaakano mbakuutira abooluganda, mu Mukama waffe Yesu Kristo ne mu kwagala kw'Omwoyo, okufubiranga awamu nange, nga munsabira eri Katonda, ³¹ mpone abo abajeemu mu Buyudaaya, n'obuweereza bwange busiim-ibwe abatukuvu mu Yerusaalemi, ³² ndyoke nsobole okujja gye muli olw'okwagala kwa Katonda, okuwummulira awamu nammwe, nga ndi musanyufu. ³³ Kale kaakano Katonda ow'emirembe, abeerenga nammwe mwenna. Amiina.

16

Okulamusa

¹ Kaakano mbanjulira Foyibe mwannyinaffe, era omuweereza w'ekkanisa* ey'omu Kenkereya. ² Mumwanirize mu Mukama waffe, nga bwe kigwanidde abatukuvu, era muyimirire naye nga mumuyamba mu nsonga yonna gye yeetaaga, kubanga naye yennyini yayamba bangi era nange kennyini.

* **16:1** Foyibe yali mudiikoni mu kkanisa eyo

³ Mundabire Pulisikira ne Akula, bwe tukola omulimu mu Kristo Yesu, ⁴ abeewaayo wakiri okutemwako emitwe olw'obulamu bwange, era si beebaza bokka wabula n'Ekkanisa z'Abamawanga zonna.

⁵ Mutuuse okulamusa kwange eri abo bona abakuŋŋaana ng'ekkanisa mu maka gaabwe.

Mundabire mukwano gwange omwagalwa Epayneeto, kye kibala eky'olubereberyeye eky'omu Asiya eri Kristo.

⁶ Mundabire Maliyamu eyabakolera ennyo.

⁷ Mundabire Anduloniiko ne Yuniya ab'ekika kyange, abaasibibwa awamu nange mu kkomera, era bassibwamu nnyo ekitiibwa abatume era be bansooka okubeera mu Kristo.

⁸ Mundabire Ampuliyaato omwagalwa wange mu Mukama waffe.

⁹ Mundabire Ulubano, mukozi munnaffe mu Kristo, n'omwagalwa waffe Sutaku.

¹⁰ Mundabire Apere, asiimibwa mu Kristo.

Mundabire n'ab'omu nnyumba ya Alisutobulo.

¹¹ Mundabire Kerodiyoni muganda wange.

Mundabire ab'omu nnyumba ya Nalukiso.

¹² Mundabire Terufayina ne Terufoosa, abaakola ennyo omulimu gwa Mukama waffe.

Mundabire Perusi omwagalwa eyakola ennyo omulimu mu Mukama waffe.

¹³ Mundabire Luufo Mukama gwe yalonda, era ne nnyina ali nga mmange.

¹⁴ Mundabire Asunkulito ne Felegoni, ne Kerume, ne Patuloba, ne Keruma era n'abooluganda abali nabo.

¹⁵ Mundabire Firologo ne Yuliya, ne Nerewu ne mwannyina, ne Olumpa n'abatukuvubonna abali awamu nabo.

¹⁶ Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu. Ekkanisa zonna eza Kristo, zibalamusizza.

Ebisembayo

¹⁷ Noolwekyo mbakuutira abooluganda mwegenderezenga abo abaleeta enjawukana, n'eb'y'esittaza ebikontana n'okuyigiriza kwe mwayiga, era mubakubenga amabega. ¹⁸ Kubanga abantu ng'abo tebaweeereza Mukama waffe Yesu, wabula embuto zaabwe. Bakozesa ebigambo ebirungi eby'okuwaanawaana nga balimbalimba emitima gy'abanafu. ¹⁹ Kubanga amawulire ag'okuwulira kwammwe gaabuna mu bantu bonna, kyenvudde mbasanyukira. Naye njagala mubenga bagezi mu kukola obulungi, era abalongoofu abeewala ekibi.

²⁰ Kaakano Katonda ow'emirembe aija kubetentera Setaani wansi w'ebigere byammwe, mangu.

Ekisa kya Mukama waffe Yesu kibeerenga nammwe.

²¹ Timoseewo mukozi munnange, ne Lukiyone Yasooni wamu ne Sosipateri, baganda bange, babatumidde.

²² Nange Terutiyo[†] awandiika ebbaluwa eno, mbatumidde mu Mukama waffe.

[†] **16:22** Terutiyo ye yakubanga tayipu nga Pawulo awandiika ebbaluwa ze

23 Gaayo‡ ansuza, n'ekkanisa yonna babalamusizza. Mundabire Erasuto omuwanika w'ekibuga, ne Kwaluto muganda we.

24 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe mwenna. Amiina.

Pawulo Abasiibula n'Okusaba

25 Kaakano eri oyo ayinza okubanyweza ng'enjiri yange n'okubuulira mu Kristo Yesu bwe biri, ng'ekyama ky'okubikkulirwa eby'ebiro eby'emirembe n'emirembe ebyasirikirwa, bwe kiri, **26** kaakano nga bannabbi bwe baayogerera mu byawandiikibwa, ng'ekiragiro kya Katonda ataggwaawo bwe kiri, olw'okugonda mu kukkiriza eri Abaamawanga bona abaanmanyibwa, **27** Katonda omu yekka ow'amagezi, agulumizibwenga ku bwa Yesu Kristo, emirembe n'emirembe. Amiina.

‡ **16:23** Gaayo yandiba Gaayo ow'omu 1Ko 1:14, Pawulo gwe yabatiza

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at www.biblica.com and open.bible."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™

Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553